# Bw'oziyiza okulwala ebizimba ne bw'obijjanjaba ng'obifunye

Bya SUMAYIYA NAKATTA

OBULWADDE bw'ebizimba bibadde bisinga kumanyibwa mu bakyala abakuze mu myaka wabula nga kati ne mu bawala abato butuuse era bweraliikiriza abakugu.

Omukugu mu kujjanjaba endwadde z'abakyala (Obstetrician Gynaecologist) Mariam Kinene okuva ku ddwaaliro lya Apricot Health Care annyonnyola nti, omwana omuwala bw'aweza emyaka 8-9 abeera asobola okugenda mu nsonga z'abakyala, era mu kaseera kano buli mwezi wabeerawo amagi nga 15-20 agaba gatandise okukula.

Wabula kubaako eggi limu erisukkuluma ku malala akabubi akabadde kalibikka ne kaabika olwo ne lifuluma ne liyingira mu luseke okusobola okutabagana n'enkwaso y'omusajja singa wabaawo okwegatta olwo omuntu n'afuna olubuto.

Kaakati eggi lino bwe limala okufuluma ate akabubi kali akaayabise kezzaako ne kakola ekizimba ekiyitibwa 'Physiological cyst' mu bujjanjabi, kibeeramu engeri y'amazzi, era ekizimba kino ebiseera ebisinga tekireetera muntu akifunye bubonero era abantu oluusi bakimanya bagenze kwekebeza bintu birala, era omubiri gusobola okukirwanyisa ne kiwona kyokka. Kitegeeza nti, ekizimba kino kya butonde omukyala oba omwana asobola okukifuna.

Wabula ate omwana oba omukyala asobola okufuna obuwuka obulala obulwaza omubiri n'atandika okufuna obubonero nga obulumi mu lubuto, omusujja n'ebirala, era yinfekisoni eno nayo esobola okuleetera omukyala ebizimba (cysts) nga bino bye bisinga okulabika mu baana.

Mu bantu abakulu waliyo ebika by'ebizimba ebirala ebisobola okubakwata, omuli, ebizimba mu nnabaana nga bino bibeera nga binyamanyama wamu ne 'endotrioma'.

Ebizimba ekika kino bikwata nnyo abakyala abali mu myaka egizaala (25-35) naye ng'ensonga yennyini kwe biva temanyiddwa. Wabula waliwo emmanduso mu bujjanjabi emanyiddwa ng'ebintu ebibyanguyiza okukwata abakyala bano omuli:

1 Okulwawo nga tozaala.
2 Ebitambulira mu musaayi gw'obuzaale.
3 Omugejjo, mu masavu mulimu obusimu obuliikiriza ebizimba okukula amangu.
4 Bikwata nnyo abantu ku lukalu lw'Abaddugavu okusingako ate mu Bazungu.
5 Birabika nnyo mu bantu abaatandika okugenda mu nsonga nga bukyali.


Ebibalka birungi ku kutangira ebizimba.

## OBUBONERO KW'OMANYIRA NG'OLINA EBIZIMBA

1 Okulwa ennyo mu nsonga ng'ate oluusi ofulumya ebitole by'omusaayi bingi.
2 Okulumizibwa ennyo ng'ogenze mu nsonga.
3 Obutafuna lubuto.
4 Okuvaamu omusaayi nga oli lubuto n'oluusi okuvaavaamu embuto.
5 Buli lw'ovaamu omusaayi omungi osobola okufuna kamunguluze, entunnunsi, n'ebirala.

## OBULABE BW'EBIZIMBA

- Ebizimba bisobola okunyigiriza akawago oba n'obuseke obutwala amazzi mu kawago ne kitaataaganya omukyala mu kufuuyisa ng'oluusi afuuyisiza kumukumu oba ng'amazzi tegavaayo.
- Ebizimba binywa omusaayi ne gukendeera n'osannyalala, n'ofuna entunnunsi, n'obutabeera na maanyi.
- Gye bikoma okugejja biteeka obuzito ku nnabaana n'ezimba era y'ensonga lwaki mu bujjanjabi babitundula mu nkola eyitibwa 'myomectomy'.

## ENGERI Y'OKUBYEWALA

- Kyandibadde kirungi omukyala okuzaala mu myaka emituufu.
- Weewale eng'ano esusse, butto oba amasavu amabi ne ssukaali.
- Kirungi okukola dduyiro.
- Kisaanye okwekebezangako buli luvannyuma lwa myezi nga mukaaga.
- Abaana abato temubawa butto musiike okukola nga omuzigo gwe bateeka mu nva, n'ebika bya ssiyaagi asiigibwa ku byokulya kuba birimu amasavu amabi.
- Obumpwankimpwaki obupakirwa mu mikebe n'obuveera, ebyokunywa ebipakirwa mu macupa, ebyokulya ebyanguwa okuggya nabyo bisaana okubyewaza abaana.

## EMMERE EYAMBAKO OKUTANGIRA OKUKWATIBWA EBIZIMBA OBA OKUYAMBA ABIRINA

1 Omuntu alina okulya emmere erimu ebiriisa byonna ebyetaagibwa omubiri nga tekyusiddwakyusiddwa.
2 Ebibala omuli; ovakkedo n'enva endiirwa.
3 Amagi abiri (2) mu wiiki gamala.
4 Ebinyeebwa, amata, ebijanjaalo, ebyennyanja, kawo n'endala.

Dr. Kinene agamba nti, kisaanye abakyala abatuusizza emyaka egizaala kisaanye okwekebezangako n'okwewala okwejjanjaba awatali kulung'amizibwa bakugu.

## Abantu kye bagamba



**Aisha Namakula: Obulwadde bw'ebizimba ensangi zino abakyala n'abawala abato babufuna butambulidde mu musaayi kubanga weewuunya emyaka gy'abamu okuba nga babifunye.**

**Haruna Ssebandeke: Ssinga abasajja tukwasiza wamu ne bakyala baffe nga tugenda mu ddwaaliro nabo okwekebeza kyandiyambyeko okusinga okukibalekera.**





**Edisa Namagambe: Obulwadde bw'ebizimba buli mukyala lw'aweza emyaka 35 nga tannazaala emikisa giba mingi okubifuna, era kirungi abawala okwanguya okuzaala okwewala ebizimba bino.**